Reminder
Posted by garvin - 2008/10/02 03:01

OMUYAGA

Sanyu lyange okubawuliza bantu bange - nkakasa akyakuumye, obuyinza bumuddile nanyini duniya.
Ndowozezaamu nendaba nga kyamugaso okubazaamu amaanyi mwena abo'mumaka gano - Forum.
Nkakasa mubintu byemukola ebyabulijjo wabaawo ebibekiika - bwepo olyaawo nebikendeeza ku suubi elyo' kufuuka ekyo kyenyini kyemwagala okuba mubulamu. Sinakindi ne'esuubi okufuumukila ddala.

Ndabye nga kyamugaso twejukanye nti duniya eno bwetyo bwekola ebintu byaayo.
Elinga olugendo omuli obusozi, omusetwe ne no'buselengeto.
Mufube obutava ku mulamwa gwebiloto byamwe kuba muli mitwe so si mikila - bawanguzi so si bakwebezi.
Ebibekiika nga; langi yamwe, enjogela yo'olungeleza,(accent), gyemuva (Africa),obumanyilivu obutono (experience), ebibasubilwaamu okuva ekyadondo(pressure), embeela yo'obudde (winter the beast) nebilala byona mujja kubiwangula.

"Aliba alibeela" ela kili gyemuli okugobelela ekyo kyemwagala okubeela.
Omungeleza agamba nti "No man is an island" kale muyambagane.
MuChina bagamba nti "buvunanyizibwa bwabulyomu okubulira muno ekyo kyosubila nti kyamugaso eli obulamu bwo"
Bayibuli egamba "attisa ekitala naye afa kitala" kale mweyise bulungi eli banamwe.
Nekisembayo, temwelabila okusinza oyo gwemukililizaamu.

Nze prettyd asiiba anzijukiza okusinza katondo oyo omu bwati ali mugulu - yagaba ela yajjawo.

Abankumile oyo atakumiila nsimbi.

==========

Re:Reminder
Posted by prettyd - 2008/10/10 21:07

---

ohhh Gavin,mwana wattu nga ofukumuka ebigambo ebyamagezi ate ebizimba!
Nze ngizeemu bingi era nkwebaza okutujjukiza ebintu ebyo ebikulu mu bulamu bwaffe.
webale nyo mukwano.
Akuume God!

==========

Re:Reminder..DONT 4 GET TO CHANGE THE CLOCK.
Posted by JeenaJulia - 2008/10/25 21:51

Good Morning,Good Afternoon,Good evening,Good nite or watever case it might be EUROPE.Don´t forget to change the clock lest u miss that jobinterview,that appointment or even the train,bus or plane. akuume God.

==========

Re:Reminder
Posted by Alysha - 2008/10/26 02:18

Gavin akabululiro,
Naye webale obugambo obuzaamu amaanyi. Era kilungi bwe tuyambagana mu bulungi. Kare katusuubire okuba naawe Ku this Saabitti. Ne nomuninkiniwo Prettyd mundabire.otukiriza enjogela egamba nti out of sight ..... kitegeze mumutima obadde wamunaffe.

==========